
# Bakutte abasawo abatalina layisinsi

Bya JOB NANTAKIIKA



Shafic Nkalidde (ku ddyo) owa Adams Medical Centre e Lusanja mu Wakiso ng'ali ku mpingu. Yasangiddwa nga talina layisinsi.

ABAKUNGU okuva mu kitongole ekikola ku mutindo gw'abasawo mu ggwanga ekimanyiddwa nga 'Allied Health Professionals Council' bakoze ekikwekweto ne baggala obulwaliro obuwerako n'abasawo abamu ne bakwatibwa.

Ekikwekweto kino kyakoleddwa mu bitundu by'e Kisaasi ne Lusanja mu disitulikiti y'e Wakiso ku lwokutaano nga era ky'akulembeddwamu Banard Bagaya nga ono ye deputy registra mu kitongole kya Allied health professionals council nga ya yambiddwako amuddirira Micheal Kayizi.

"Tetusobola kutuula butuuzi ng'abasawo bakola emirimu mu ngeri emenya amateeka kubanga bakimanyi bulungi nti balina okufuna liyisinsi n'okufunira amalwaliro ge baddukanya layisiensi," Bagaya bwe yategeezezza.

Obumu ku bulwaliro obwaggaddwa kuliko Adams Medical Centre e Lusanja mu disitulikiti y'e Wakiso. Ne nnannyini ko Shafic Nkalidde yakwatiddwa n'atwalibwa ku poliisi y'e Kiteezi mu disitukiti y'e Wakiso.

Eddala eryaggaddwa lye lya First Care Medical Services gye baasanze abakozi babiri kyokka omu n'adduka. Ate ku Divine Medical Centre e Kiteezi, omusawo eyabaddeyo Cyprian Komukuru baasanze talina mpapula n'ategeeza nti asoma busawo mu ttendekero lya Kampala School of Nursing nti naye yali talina ssente ezisasula ku ssomero kwe kufuna omulimu abeere ng'akola bw'asoma.

Kino Kayizi yakigaanye era n'amugaana okuddamu okukola mu ddwAaliro lyonna mu ggwanga okutuusa ng'amaze emisomo gye. Ate ku God's Will Medi Care, omusawo nnannyini lyo Hellen Nanyanzi yasangiddwa ne layisinsi wabula Dr. Bagaya ne Dr. Kayizi baagambye nti njingirire era eddwaliro ne baliggala.

Dr. Bagaya yagambye nti, obufere buno buli munda mu kitongole kyabwe naye yalayidde okufiira ku bafere bano.